# 'Aba ttakisi ne booda bakeberebwe emitwe'

Bya TEOPISTA NAKAMYA

AKULIRA eddwaaliro ly'e Butabika, Dr. Juliet Nakku asabye Palamenti ebage etteeka eriragira baddereeva ba ttakisi, aba bodaboda n'abalala okukeberebwa emitwe nga tebannaweebwa pamiti.

Yabadde mu kakiiko ka Palamenti akalondoola ebyobulamu nga bakubaganya ebirowoozo ku bajeti eyabaweereddwa mu mwaka gw'ebyensimbi ogujja. Yategeezezza ababaka nti e Butabika bafuna abalwadde b'ensimbu bangi ate ng'abamu ku bo baddereeva, ne yeewuunya bwe bakola emirimu.

N'agamba nti kino kijja kuyambako okukendeeza obubenje ku nguudo n'ategeeza nti amawanga amalala kino gaakiteeka dda mu nkola. Yayongeddeko nti abagoba b'ebidduka bwe bateebaka kimala, obwongo bwabwe bukosebwa, kwe kusaba baddereeva bawummule ekimala.

Yategeezezza akakiiko nti okunoonyereza okwakolebwa mu 2023, mu masomero ga pulayimale ne siniya, baazuula ng'ebitundu 30 ku kikumi eby'abayizi wakati w'emyaka 11 ne 17 balina ekizibu ku bwongo. Nti era baazuula nga abasomesa tebamanyi bwe bayinza kuyamba bayizi abo nga n'oluusi batawaanyizibwa okuzuula aliko ekizibu kino.

Yabadde akyebaza Palamenti olw'obuwumbi 5 obwabaweereddwa okumaliriza bbugwe w'eddwaaliro okutangira abalwadde okutoloka, omubaka Margret Ayebare ( Mukazi / Mbarara) n'amusala ekirimi.

Yasoose kumubuuza oba Christopher Okello agambibwa okutirimbula amabujje ku Gaba Early childhood Development Centre yali abaddeko omulwadde waabwe.

Wabula ssentebe w'akakiiko, Joseph Ruyonga yalung'amizza nti ensonga eyo si baakugikubaganyaako birowoozo kubanga okunoonyereza kugenda mu maaso.

Nakku yagambye nti eddwaaliro ly'e Butabika lirina okusuza abalwadde 550 naye abamu babasuza ku ttaka olw'omujjuzo.

TEOPISTA NAKAMYA



Dr. Nakku (ku kkono) mu kakiiko ka Palamenti.